# Alina ppikippiki asasula misolo gya ngeri ki?

BULI Lwakusatu, akulira ekitongole ekiwooza emisolo ekya URA ayanukula ebibuuzo byammwe ku nsonga ezitali zimu. Ebibuuzo abyanukula ng'ayita mu lupapula lwo olwa ***Bukedde***. Weereza ekibuuzo kyo ku nsonga yonna ku misolo n'obusuubuzi ku nnamba eno, **0701625460** byonna ajja kubyanukula.


**BUUZA KAMISONA**



Akulira URA, Musinguzi.

**Omuntu alina ppikippiki asasula musolo kika ki?**

Omuntu alina ppikippiki ng'ekozesebwa omulimu gw'okusaabaza abantu (bodaboda), ateekeddwa okusasula omusolo ogumanyiddwa nga Advance Income tax nga gwa 20,000/- buli mwaka.



Owa bodaboda ng'avuga omusaabaze.

**Richard Ssemujju e Myanzi-Kassanda – Naakavuga emmotoka emyaka 20 nga buli mwaka nsasula Third Party naye sifunanga buzibu bwonna (accident). Aba yinsuwa balina akasiimo konna ke bayinza okumpa?**

Mwami Ssemuju, tukwebaza okujjumbira okusasula Third Party y'emmotoka yo buli mwaka. Ensonga lwaki osasula ensimbi ezo, kwe kwetegekera obusandali obuyinza okukugwako ng'ovuga emmotoka yo. Okumanya engeri y'okuliyirirwa, nkusaba otuukirire yinsuwa mw'osasulira Third Party, ojja kuyambibwa.

**Nze Lillian e Kampala. Ndi dayirekita wa kkampuni entonotono etennakola bulungi mu bizinensi. Mbadde sifuna nsako ya Dayirekita, era nfuna musaala gwokka. Mbadde nzisaamu litaani za PAYE w'abakozi ba kkampuni kyokka nga tennakola magoba. Kinkakatako nange okussaamu litaani yange ng'omuntu newankubadde nga tetunnakola magoba mu bizinensi?**

Buvunaanyizibwa bwa buli Dayirekita wa kkampuni oba bizinensi yonna okussaamu litaani ye ng'omuntu (individual Income tax return) buli mwaka okulaga ennyingiza n'ensaasaanya yo ku nsimbi z'oyingiza ng'omuntu. Mu mbeera eno, olina okussaamu litaani y'omusolo ku nnyingiza nga Dayirekita ng'olaga nti bizinensi ebadde tetambula bulungi mu mwaka, noolwekyo nga teri nsimbi za kugabana nga magoba (dividends). Noolwekyo, kimanye nti buli bw'obeera n'ennyingiza esukka mw'emu, oteekeddwa okussaamu litaani y'ennyingiza eyo buli mwaka.

**Nsobola ntya okufuna TIN Certificate?**

TIN Certificate kye kiwandiiko ekiraga obukakafu nti omuntu oba bizinensi eweereddwa ennamba y'omusolo (TIN). Oluvannyuma lw'okwewandiisa, buli muwi wa musolo aweebwa ekiwandiiko ekyo mbagirawo. Mu ngeri y'emu, ne bw'oba weewandiisa dda ku musolo, osobola okukyalira ofiisi ya URA ekuli okumpi n'oweebwa TIN Certificate.

**Aron Lutabi e Mityana; naye ddala temulaba ng'emisolo gitta bizinensi z'abantu okuzimalawo! Lwaki temutegeeza Gavumenti n'ekendeezaako nga mmwe abasolooza?**

Mwami Lutabi, omuntu yenna akola bizinensi asaanidde okukuuma ebitabo bya bizinensi ye. Okumanya ennyingiza n'ensaasaanya, kimwanguyize okussaamu ennyanjula buli mwaka.

Embala y'omusolo eri nti omusolo guggyibwa ku magoba bwe gabaawo, ekitegeeza nti bwe gatabaawo teri musolo gusasulwa. Noolwekyo, teri musolo gusasulwa kuva ku kapito wa bizinensi yo, ekitegeeza nti omusolo tegutta bizinensi.

## Ndabika ng'aggyibwako omusolo ogw'emirundi 2

**Nnina bizinensi eyatuukiriza ebisaanyizo by'okwewandiisa. Nzigyibwako omusolo aba kkanso ne URA. Eno si Double Taxation?**

Bw'owandiisa bizinensi yo ey'ekika kyonna, oteekeddwa okufuna olukusa lw'okugiddukanya (layisinsi) nga luno lukuweebwa Gavumenti y'ekitundu kyo okugeza KCCA, bizinensi bw'eba esangibwa Kampala, munisipaali, disitulikiti oba Town Council nga wano osasulayo ensimbi eza buli mwaka.

URA etandika okukuggyako omusolo oluvannyuma lwa bizinensi yo okusobola okukola amagoba oba okufuna ettunzi erikkirizibwa mu mateeka. Ensimbi ekika kino ezikuggyibwako, bw'oba olaga omusolo ogulina okusasulwa, okkirizibwa okuziggyako ng'ensaasaanya (allowable deduction). Noolwekyo, wano oba toggyiddwako musolo mirundi gisukka mu gumu.



# Njawulo ki eri wakati wa Rental Tax ne Income Tax?



Fulaati epangisibwa.

**Nze Emmy, Landiroodi e Soroti. Njawulo ki eri wakati wa Rental Tax ne Income Tax era kijja kitya okuba nga nsasula emisolo gyombi we nkolera?**

Mukulu Emmy, Rental Tax gwe musolo ogusasulwa ku nnyingiza y'ebipangisibwa okuli ennyumba, ebizimbe ebikolerwamu emirimu ssaako n'ebibangirizi. Ate Income Tax gwe musolo oguggyibwa ku nnyingiza ya bizinensi yo.

Bw'oba olina ennyingiza ya mirundi ebiri okuli eggyibwa mu bizinensi yo, oteekeddwa okugisasulira omusolo bw'eba ekola amagoba oba ng'ekola ettunzi erikkirizibwa okuggyibwako omusolo. Mu buwufu bwe bumu, bw'oba nga ggwe landiroodi w'ekizimbe, oteekeddwa okusasula omusolo okuva mu nnyingiza y'ekizimbe kyo. Jjukira nti litaani zino zaawukana era buli emu essibwamu ku lwayo.

**Ng'aba URA, musobola okunnyamba ku mukozesa wange alabika nga tanteerayo nsimbi zange mu NSSF?**

Obuvunaanyizibwa bw'omukozesa yenna okuteerayo omukozi we ensimbi mu NSSF, bulondoolwa ekitongole ky'ekittavvu ekya NSSF. Bw'oba n'okwemulugunya ku mukozesa wo ku kukuteerayo ensimbi zino, nkusaba weekubire enduulu eri ekitongole kya NSSF ku nnamba 0800286773, ojja kuyambibwa.